Students Name: ................................................................................

School Name................................................... Index Number ..............

P360/1
LUGANDA
Paper 1
$2\frac{1}{2}$ Hours

# HES MOCK EXAMINATIONS 2025

**UGANDA ADVANCED CERTIFICATE OF EDUCATION**

**LUGANDA**

**OLUPAPULA OLUSOOKA**

**ESSAWA BBIRI NE KITUNDU**

**EBIGOBERERWA**

- Oluppapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bisatu A,B ne C
- Mu kitundu A ddamu ebibuuzo byonna
- Mu kitundu B ne C goberera ebikiragiddwa

## EKITUNDU A

1. a) Funa ebikolwa kimu (1) ekitegeeza ebisaziddwako mu sentensi zino wammanga
   - (i) Nsanze jjajja **anyiriza kibumbe** kye
   - (ii) Ssenga **akaabira** muwalawe amufuddeko
   - (iii) Lwanga agenze **kukwata** nswa ezibuuse
   - (iv) Omusumisi **abuulirira** omusika ku buvunaanyizibwa obumukwasiddwa
   - (v) Ssaabasajja Kabaka **atudde ku ntebe ye** alamula (obubonero 5)

   b) Nnyonnyola obukwatane wakati w'embu zino wammanga

   1 Mu ne 3: Mu nga weesigama ku bino wammanga
   - (i) Nakongeza linnya
   - (ii) Nakasigirwa entabaluganda ekolebwako
   - (iii) Empeerezi esooka ku liinya (obubonero 6)

   c) Nnyonnyola ku bitundu bya ggulama ebizimbye emboozi zino wammanga
   - (i) Tompa ssente zo
   - (ii) Ondabiranga ddala (obubonero 6)

   d) Ebikolwa bino wammanga bizze mu kyesirikidde n'oluvannyuma obyeyambisize mu sentensi mwe bituukira.
   - (i) Zimba
   - (ii) Lya
   - (iii) Yiwa
   - (iv) Ziika
   - (v) Fumba (obubonero 5)

   e) Emboozi zino wammanga zizze mu biseera by'oluganda byonna. Saza ku bubonero bwebiseera ebyo.
   - (i) Nkwagaliza omwaka omuggya
   - (ii) Mutuuke bulungi (obubonero 10)

f) Wandiika ebigambo bitaano nga mulimu

(i) Ennyingo ezizimbiddwa ensirifu eggumidde ng'egattiddwako ensirifu nnampawengwa ng'ewangaalwako mu mpandiika ne mu njogera. (obubonero 5)

(ii) Amannya agali mu sentensi zino wammanga gasikize nakasigirwa

- Olumbe lumalawo abantu
- Nankya yeerumye engalo
- Muwogo akaawa (obubonero 3)

**EKITUNDU B**

**Kola 2(a) oba 2(b)**

2. a) Nnyonyola engeri Abaganda nga bwe baava edda nga bamanyi enzijanjaba yo'bulwadde ey'omulembe kumpi kufaananira ddala Abazungu. Leeta eby'okulabirako ebyetongodde ebikakasa kino (obubonero 20)

**OBA**

b) Nga bw'owa n'ebyokulabirako, nnyonnyola ensonga ez'enjawulo eziraga lwaki obufumbo bwa leero tebulinga bwa dda. (obubonero 20)

**Kola 3(a) Oba 3(b)**

3. a) Nnyonnyola amakulu g'ebisoko bina (4) ku bino wammanga.

(i) Okubuuza Ssaalongo endeku
(ii) Okusaalimbira mu lya Mukajanga
(iii) Obudde okudda ku bunnaabwo
(iv) Okusiikira enkoko ebinyeebwa
(v) Okufa ekitiibwa
(vi) Okuyungula emmandwa amaziga (obubonero 4)

**OBA**

b) Ku bisoko bino wammanga,londako bisatu obyeyambisize mu sentensi eziggyayo amakulu gaabyo

(i) Okulya empanga
(ii) Okuyiikirwa amanzaali
(iii) Omulwadde okukuba ku mpembawemba
(iv) Okuzza mu ddiro
(v) Okusekera mu kikonde
(vi) Okwekuteera ng'ayalira atajja (obubonero 6)

4. a) Ku ngero zino wammanga, londako nnya(4) ozimalirize nga bwe zoogerebwa
   (i) Akawundo ak'emputtu ……………………
   (ii) ……………………………teba ya kisibo
   (iii) Maddu ga ddenge ……………………………………
   (iv) Ssemutego tegulwala mugongo……………………………
   (v) Oyiggang'otta……………………………………………
   (vi) Embuuze z'enva……………………………………………

**OBA**

b) Ku ngero zino wammanga, londako ssatu (3) onnyonnyole bye ziyigiriza.
   (i) Ssebukoko buto bukunga kye bunaamalawo
   (ii) Zirindaba olwange, tawa musibe mmere
   (iii) Akajja obunaku keemanya ,ejjanzi teribuuka na nzige
   (iv) Alina embwa, tasuula ggumba
   (v) Akafa omukkuto, tekaluluma
   (vi) Gunsize aliwa bitono

## EKITUNDU C

**Ddamu ekibuuzo kimu kyokka okuva mu kitundu kino**

5. a) Ttu ki Cranmer Kalinda lyasibiridde abazadde mu kitabo Bazibumbira (obubonero 20)

**OBA**

b) Kalinda awandiika atya ku nsobi ezikolebwa abakulembeze mu kitabo "Amaka ga Bawansolo". (obubonero 20)

6. a) Nyonnyola engeri obuweereza bwa professor Masagazi Masaazi gye bumusaanyiza ekitiibwa mu Buganda ne Yuganda.

**OBA**

b) Nyonnyola engeri obuweereza bwa professor Masagazi gye bweyolekera mu kisaawe ky'e by'enjigiriza. (obubonero 20)

7. a) Ddamba yeeyolese atya nga bw'ali omwagazi Kayingo ow'obuwangwa bwe?

**OBA**

b) Nyonnyola ku ngeri Ddamba gyalafubaniddemu olulimi oluganda.

(obubonero 20)

**BIKOMYE WANO**